# MULOBOZA

## KE KATABO

### AKAYIGIRWAMU OKUSOMA OLUGANDA

II

White Fathers' Printing Press
Bukalasa — Uganda

AF
496.3124-7
MUL

# MULOBOZA

KE KATABO

AKAYIGIRWAMU

OKUSOMA OLUGANDA

II

# OLULIMI

## WULIRA EKY'OKULYA EKISINGA OBULUNGI N'OBUBI

---

Xanto omufilozofi Omugreki yalina omu·du we Ezopo nga ye mufumbiro we. Olwâli olwo n'amulagira, nti Enkya onfumbira ekisinga obulungi, kuba tu·ja kulya akabaga n'emikwâno gyange! Ezopo yabukêreza nkokola, awulugumye yeta·de mu katale aguze e·nimi ez'ente n'ez'embuzi, n'ezâki naki? A·ze eka yekubye e·fumbiro, azisîse nga bwe yayiga. Xanto ayise bagenyi, abategêze·za nti Tu·ja kulya ekisinga obulungi.

Obw'okulya butûse, omwâmi ayise omufumbiro nti Leta emmere. E·sowâni ezâsôka za·jirako ·nimi njerêre n'eza·zi·dirira. Xanto n'afa ensonyi, n'abo·golera omufumbiro we nti Emmere ekuwe·deko: lwâki olêta ey'engeri emu? Tu·gyêko e·nimi zino olête emmere endala. K'omu·du: Anti ·sebo wantumye okufumba emmere ekira obulungi, ate ekikira olulimi obulungi okisanga wa?

Ye n'amugamba nti Kale tu·nyo·nyole obulungi bw'olulimi. Ezopo n'atandika, nti Olulimi lwe lutabaganya abantu awamu, lwe lubunya amagezi nga luyigiriza ate nga lubûlirira, lwe lwatula amazima agali mu bantu, lwe lwôgera ebigambo eby'omukwâno n'e-

by'okusûta, lwe lutenda Katonda okumwebaza n'okumu·sâmu ekitîbwa. Olwasiri·sa, bo·na ne bakuba mu ngalo, ne bagamba Xanto nti Ng'olina omu·du omugezigezi. Kale ·jo tuli·da n'otufumbira ekisinga obubi, tulabe amalala ago bwe gatamu·gwe, ko ye nti Wêrekere!

Abagenyi bâgenda okutûka ku mmeza nga ku ·nimi kwe balaba. Xanto n'agamba nti Aka·du kano nga kajôzi, bakayite mangu ka·je kabi·to·tole. Ezopo olwesimba mu ·dîro n'a·sâko; nti Olulimi tirukirika bubi: empaka zo·na ezawukanya abantu zifuluma mu lwo, lwe lu·ta emikwâno nga luwâyiriza nga lugeya, nga lulimba, lwe tuvumya ba·na·fe ne Katonda era. Bo·na ne bamwewûnya nti Wa·ma oyoge·de!

Olulimi lumaze okubêra olulungi lutyo ate nga lusobola n'okubêra olubi, ekisiga·de; kwe kulwegendereza luleme okutusombera akabi.



# KISAWO KY'ATALIWO KI'JULA MAYINJA

## OMUWARABU ASOMOLA MU·NE

---

Olwâli olwo, omusa·ja omuwarabu yayagala okwe·sa mu lugendo, ng'asûbira okumalako nga kisêra kya mwâka mulamba. Naye n'alowôlereza amagezi g'anasala okutereka ensimbi ze e·banga lyanamalayo, ne gamusobeza. Yalwa e·da n'agazûla, awo ng'a·dira kabogolole w'ensuwa ng'azi·sa omwo wansi ku ntobo, ate n'akomereramu ebibala bya oliva okutûsa ku mugo, ng'atwâlira munywânyi we Ali, nti Mu·nange, nterekera oliva zange zino (oliva kye kibala ekifânana ng'empafu, mwe ba·gya omuzigo.)

Ali taba·de mubi, a·kiri·za. Omutambuze n'alamaga bulungi. Naye olwâli olwo, ng'emyêzi gyakayita ·kumi na gumu kasôka mu·ne agenda, Ali ng'alaba eky'okulya kimukêyêko, ne yegamba nti Aba·fe, nkûma mufu? ka ntôle ku oliva za munywânyi wange zino, tagenda kumanya. Ng'abaka kisuwa, ng'afukumulira mu sâni ye, yasanga zâkala ·da. Ng'ayongera kufukumula, nti Mpo·zi eza wansi zinaba mbisibisi, ekyamuzimukiriza ng'ensimbi ziyîka mu sâni ye, olwo,

ee, asanyuse bulala, ng'ensuwa yo·na awunzikira ·dala, ensimbi ng'asibako. Olwamala ng'agula oliva endala embisi, ng'a·juza nsuwa, ng'aterêza mu nfo mu·ne we yagireka.

Wâyita ennaku nga ·kumi, omutambuze n'a·da, ne yekuba ew'Ali nti Bâba, mpa ebyange. Ko Ali nti Mu nfo we wabi·sa we biri, sikwâtangako.—Ono yagenda okulaba nga ya·bibwa ·da, n'asunguwala.—N'awâwabira Ali. Ebigambo tibiru·de, bitûse embuga, omwâmi n'asoberwa.

Ali ne yekalangula nti Nze ensuwa sigikwâtangako!—Omwâmi n'abulwa bw'anagusala. Ka·zi a·ja okumuwonya ye muwala eyali awo nga ye ·na·nyini mulimo ogw'okulabirira e·gwanika ly'emmere y'embuga, n'amugamba nti Bagira bavawo akabanga, ndiko kye nkubûza. K'omwâmi nti Kale. Awo n'amugamba nti ·Sebo, oliva ezo mbisi ·dala, nandiki? K'omwâmi nti Mbisi ·dala. K'omuwala nti Ekyo tikiyinzika, oliva zimala ·di omwâka omulamba ne zitakala? K'omwâmi nti Webale! Awo n'asala omusango ne gusinga Ali, n'alagira okuga·ta mu·ne ebibye. Awo we gwa·gwêra.

Togayanga kyâma kya muto! Akawala olabye bwe kâwonya omulamuzi.



# MWOGEZA 'KUNDI, KAZA'NYIRIZI NE WA'DUBU

Ekyâlo kya Hopfield bakitenda okuba eky'abantu ab'ekinyumu ate abagerenjuzi, abantu bâko ba mukwâno ·gwe wa·ma, naye omukwâno gwâbwe gwa ngeri, anti tibakisagana kagambo, ekyakole·dwa enkya, e·gulo limu nga kimaze okubunyizibwa wo·na wo·na.

Olwâli olwo, Peggy Muliers eyali atu·de awo ku mulyango gw'enju ye, n'alaga eri mu ·kubo wakati okulaba ekyâli kirekânya kityo abantu. Gye yakuba amâso ng'alaba olubîna olulimu abasa·ja n'abakazi n'abâna abavu·de ema·bali w'ekyâlo ekyo, ate wakati wâbwe n'alabawo Wa·dubu (e·dubu) enzirugavu ng'egenda yekumbya ·nyini wamu n'omusa·ja Kaza·nyirizi mukama wâyo.

Kaza·nyirizi oyo yali ayamba·de ogukôti gukabu ogwêru ate ogunene e·nyo, ate ng'a·ta·deko ne kabasikoti akatono e·nyo akakoma mu kiwato, n'ekisâti ekiyulifuyulifu, ng'anânise n'ebiga·to.

Yali alina n'omulenzi agenda amukulembera nga ye afûwa akalere ng'atu·za ·nyo n'akabûtu, bo·na abâliwo nga bagenda bakewagirako bulala, nga n'ebigere basitulira kumu.

Kaza·nyirizi bwe yatûka mu bwênyi bw'omugîni ogw'oku kyâlo ekyo, n'ayimirira, abantu bo·na n'abaterêza bulungi erûyi n'erûyi, ye ne Wa·dubu ne basigala wakati, n'alongôsa mu·ne Wa·dubu, n'amuyimiriza obunkênke ku magulu g'e·nyuma, n'amu·sa n'omu·go gwe ku mutwe, awo ne basôka okuzina bombi wamu, nga babûkira kumu, nga basiza kumu, ee, ne gunyuma! Abe Hopfield bwe bâlaba ekyo, ee, ne basanyuka bulala!

Ka·zi mu mugîni musuzemu omusa·ja omulala, yatûse ·gulo, nga naye muntu wa kinyumu, ate ng'amanyi okwôgeza e·kundi, ye ·no bwe yayisa erîso mu ·dirisa n'alaba nga bali awo basamâliri·de, ko ye nti Nga na bano bakyâli wala! n'ebyo bikyabewûnyisa! Ka nange ngende mbejôgôlere!

Awo nga zimulêta, ate akalere n'embûtu olwâli okuba ng'ebisirikirirako, n'asemberera Kaza·nyirizi oli, n'alyôka amubûza n'e·dobôzi ·dene e·kangufu nti Owange, mu·no oyo Wa·dubu amanyi n'okwogera? Kaza·nyirizi n'amutunûlira enkaliriza, ng'asaze n'emitâfu mu kyênyi n'enkanu, ate n'amu·damu nti ·Gwe tolina kamwa? Mubûze olabe oba ng'amanyi okwogera.

Ko Mwogeza lubuto, nti Wetêre! Awo ng'asemberera Wa·dubu, ate n'ayogera n'e-



·dobôzi e·dene nti Owange Wa·dubu, ng'ozina bulungi, onsanyu·de; kyo·ka nkubûza: osibuka lu·da wa? Awo Mwogeza ·kundi n'agenda afûlafûla e·dobôzi ne liba ng'eriva mu kamwa ka Wa·dubu, nti Nsibuka eyo mu nsozi ez'Alpes mu Switzerland.

Ee, sikutendera kusamâlirira na ntîsa eyakwâta olubîna olwâli awo, ate ne Kaza·nyirizi oli na·nyini Wa·dubu, ensisi eyamukwâta tegambwa, n'ama·gulama·gula amâso, n'ayasâmirira: n'ayimirira owo obutenyênya Mwogeza ·kundi n'amukyûkira nti Owange, ·sebo Kaza·nyirizi, mu·no Wa·dubu tayogera lungereza aleruka, lêro n'olw'ewâbwe e Switzerland ajula kulwerabira.



Olwamala ekyo ng'a·dira Wa·dubu, ng'amala okumusimba amâso, awo ng'amubûzako akalowôzo nti Tâta Wa·dubu, ng'otunuza nnaku, oba·de ki? Ko Wa·dubu nti ·Gwe empewo y'omu Bungereza togiraba? Endeke·de ki?—Ekibîna olwawulira ekyo ne kisôka okwesendasenda. Ko Mwogeza ·kundi nti—Ono mukama wo Kaza·nyirizi omumazêko e·banga ·dene?—Owange e·banga era liweze, n'okwetamwa netami·dwa.—Ii, lwâki, ka·zi mukama wo takukwâta bulungi? Wewâwo, anti era nga bw'olaba omuwêsi n'oluyi·ja kw'awêseza, ka·zi aliko k'alusâsi-

ramu ?—E, bwe guli gutyo! ·gwe ·no tâta olifa towolê·de ·gwanga?—Ee, mundekere, lwe ndiba nsuze obulungi, ndimukêrerako ne mmulya eky'enkya. Ekibîna olwawulira ebyo, ne kyesisiwala ·nyo, ne kyongera okwesendasenda nti Leka oti, wano wafîra muloge.

Kaza·nyirizi ye n'anywêza enjegere ezisiba Wa·dubu we, ka·zi Wa·dubu yetami·dwa ·da, awo n'asôka okugonôla e·dobôzi nga bw'avûma.—Mwogeza·kundi yaleka bafafâgana, ng'ati·kira enkufîra ye, nga ye·dirayo mu mugîni, n'olubîna nga lukwâti·dwa ensisi, nga lu·sa okwo, buli muntu ng'alaga ·kubo lye.

Mwogeza ·kundi bwe yatûka mu mugîni, enseko ne zimu·ta okulaba bo·na bwe babunye emiwabo, ·so nga Wa·dubu kazâla bulwa, tafâyo ·nyini, yesutami·de wali!

Obu·de kyâzira kuwungêra, Mwogeza ·kundi yali ali awo ku lu·gi lw'omugîni, n'alaba olubîna lw'abantu olukungânye nga lunyumizaganya ku ebyo ebyaba·dewo enkya, naye nga lubiyitiriza ne lubige·za bulala! Ko ye nti Ka ngendeyo mbalimbulule, ne zimulêta. Bwe yasôka okwogera, bo·na ne bategereza ·nyo. Naye bwe yasiri·sa, abaka·de abâliwo ba·da mu kunyênya mitwe nti Owa! —Ate omu ku bo ye Griffy, muka·de ·nyo: omutwe gutukula, n'agamba nti Wewâwo, ebyo olibi·kirizisa bali abakyâli abato, naye le abakuze, bwerêre! Mbêra ensolo si kye zi·je zisôke okwogera, manyanga ne mu Bible tulaba ng'endogoyi ya Balaam yayogera. Ate kati wâkayita ennaku 3 akatabo k'amawulire ak'omwêzi August kâtulângirira nti Mu nsi - yo·na mu·ja kulaba ebikulekule n'ebitalotalo.



Mwogeza ·kundi yakanda kubategêza nti Bakira nze njogeza e·kundi, nga bwerêre, bo·na nga bâwukana nga mpâwo a·kiri·za bigambo bye.

Mukûma mugîni eyali alabye byo·na, n'asemberera Mwogeza ·kundi, nti Ee, ·sebo to·ja kubamalamu kwewûnya okwo, bo ebitalîmu nsa babikizâko n'ebitûfu bye·nyini, Ba·nabyâlo bwe batyo, ebya mbu babikwâta ng'ebigambo ebikulu e·nyo, nâwe by'oyoge·de bya bwerêre, era bakyalowôza nga Wa·dubu ye yayoge·de.

Awo no manyira ·dala ng'emirundu mingi osobola okwogera ekigambo ekitalîmu magezi, ate ekiyinza n'okulêta akabi, naye abantu okubiba·gyamu tolina w'oyita, ne bw'obategêza amazima ge ·nyini: anti "Kyafûyi·dwâko embuyaga, tiki·da."

# OMUSAYI MU MUBIRI GW'OMUNTU

## I. Omusâyi nga bwe guba mu mubiri gw'omuntu.

Ekikûma obulamu bw'omuntu gwe musâyi ogwetawula mu mubiri gwa·fe nga gugenda guyitayita buli wantu. Omusâyi guba mumyûfu, naye nga gwetabisêmu olu·zi·zi lwe bayita " plasma."

Omusâyi bw'ogwetegereza ne galubindi e·nene, olabamu obuweke bungi ·nyo: obumu buba bumyûfu obulala bwêru. Obuweke obumyûfu bwe bukira obungi, obwêru bwe butono.

Omuntu omulamu abâmu omusâyi mungi ·nyo: bw'ogufuka gu·juza echupa mukâga ·du

Omulimo gw'omusâyi mukulu ·nyo: kubanga gwe gukûma obulamu bwa·fe. N'omuntu bw'abulwa omusâyi mu mubiri gwe, talema kufa. Omusâyi ogwo gwe kubira ekifo ekikulu mu muntu gwe mutima; omwo mwe gukunganira. Ate gwekubira n'amakubo mu mubiri gwa·fe, gye misiwa mwe guyita nga gulambula omubiri.



**Omutima** kye kifi kye nnyama ekitere·de mu kifuba kya·fe. Gufânana ng'empu·mumpu, gwetondese wakati w'amawu·gwe, naye nga gwewunziki·deko katono ku mukono ogwa ·kono. Wa·gulu guliko amatu abiri: okwa ·dyo n'okwa ·kono. Ate gulina obubunda bubiri bwe tuyita obubuto. Akamu kali ku lûyi olwa ·dyo n'ak'okubiri ku lwa ·kono.

**Emisiwa** ge makubo g'omusâyi mwe guyita nga gulambula omubiri. Emisiwa egyo gya ngeri ·biri: waliwo emimyûfu ate n'emi·dugavu. Emimyûfu gye gisibuka ku mutima (ku kabuto aka ·kono ne gitwâla omusâyi mu mubiri.) Bwe gitûka eyo ne gyeyawulamu obusiwa obulala obutono nkumu obufânana ng'emirandira gy'omuti. Obulandira obwo busasânira buli katundu ko·na ak'omubiri bulyôke butûsêyo omusâyi.

Emisiwa emi·dugavu gye gi·gyo egisibuka ku butono buli obumyûfu ne gi·da mu mutima mu kutu okwa ·dyo.

Omusâyi nga gugenda okutambula mu mubiri gukola bwe guti: Omutima buli lwe gutu·ja, amangu ago omusâyi oguba·de mu kabuto aka ·kono gwebundula mu musuwa omunene (aorta), awo ne gugoberera emisiwa egisibuka ku aorta ne gutwâlibwa mu bitundu ebikulu eby'omubiri: mu mutwe ne mu lubuto, ne mu mikono n'awalala. Naye

bwe gutûka eyo ne gugwa mu busiwa obutono, bwe bûbwo obugubunyisa mu mubiri gwo·na.

Omusâyi bwe gumala okwetôlola gutyo mu bitundu by'omubiri byo·na, gwononeka ne gu·dugala. Awo obusiwa obwo obumyûfu buguwêreza emisiwa emi·dugavu, egyo ne gigutwâlira omutima.

## II.—Omusâyi nga bwe gulongôsebwa.

Omusâyi gwa·fe gulongôsebwa mu mawu·gwe. **Amawu·gwe** ye nnyama y'ebiwowôlo etere·de mu kifuba kya·fe. Amawu·gwe gafânana ng'ekyangwe, galimu obusawo bungi obuzimba ate ne bwetu·ga nga tu·sa omu·ka.

Mu kifuba kya·fe mulimu amawu·gwe abiri, ge gâgo agabi·kiri·de omutima.

Omulimo omukulu ogw'amawu·gwe, kwe kulongôsa omusâyi oguba·de gwononeke·de mu mubiri. Omulimo ogwo gukolebwa bwe guti: Omusâyi omu·dugavu bwe gutûka ku mutima guyingirira mu kutu okwa ·dyo. Omusâyi bwe guva mu kutu okwo ne gu·ka mu kabuto aka ·dyo. Mu kabuto omwo gusangamu omusiwa, lye ·kubo erigutûsa mu mawu·gwe.

Buli ·jo omuntu bw'a·sa, ayingiza omu·ka omu·gya mu mawu·gwe, ne guyingirira



obusawo buli bwe twagambye. Mu busawo obwo gusangamu omusâyi ogwononese. Omu·ka ogwo omu·gya gu·dâbiriza obuweke obumu obuli mu musâyi. (Ku lwa oxygen erimu.) Ebibi byo·na ebiba·de bi·duga·za omusâyi, bigendera mu mu·ka gwe tufulumya nga tu·sa, omu·sâyi olwo ne gulongôka ku lw'okufuna omu·ka omuto. Awo ne gu·damu okumyûka.

Omu·ka gwe tufulumya nga tu·sa mubi ·dala, kubanga gwetabisemu gwe bayita " carbonic-acid."

Omusâyi olumala okulongôka tegulwâwo, amangu ago ne guserengeta mu kutu okwa ·kono okw'omutima. Ate omutima bwe gu·damu okutu·ja, omusâyi ne gu·damu okutambula ng'oluberyêberye. Ennaku zo·na gukola bwe gutyo emisana n'ekiro.

Omusâyi tigulongôkera mu mawu·gwe mwo·ka, naye waliwo n'ebifo ebirala mwe gulongôkera. Ebifo ebyo bye bino: ensigo n'olususu.

**Ensigo** ze mpeke e·biri ezesibye ku mugongo. Omusâyi ogwononese bwe gutûka mu nsigo ezo nazo zikenenulamu ama·zi. Omusâyi bwe gu·dayo mu mutima, ama·zi gakwâta e·kubo eryâgo.

**Olususu** lwe lulibaliba olw'oku mubiri. Mu lususu omwo mulimu obutulituli bungi. Ku buli katuli kweyunzeko akaseke akasiri-

kitu akali ng'akawuzi akefunyefunye. Akaseke ako bwe katûkibwâko omusâyi ogwononese, ko kanyunyuntamu ama·zi. Ama·zi ago gagenderamu n'ebibi ebimu ebiba·de mu musâyi: ge gâgo ge tuyita, entûyo.

## OMUSOTA NGA GUKUBO·ZE



Omusota bwe gukubo·ja n'otosala ga mangu, tolwa ofa bukalaga. Amagezi agavumula amangu obusagwa bw'omusota gâgano:

Omuntu bw'abo·jebwa omusota nga guba·de gukubo·ze kugulu oba mukono, anti ekitundu eky'omubiri ekiyinza okusibika, awo n'**osibirako wangulu** ng'onyunyûlira ·dala obutabalirîra, omusâyi oguteze okunogâna obusagwa guleme okwambuka okubuna omubiri gwo·na. Anti omanyi omusâyi nga bwe gutambula mu buli katundu ka mubiri okukatwâlira obulamu, ate ·no kale bw'otoguziyize mangu, ogwa wano awalumi·dwa gumaze okusakâzibwa obusagwa, gu·ja kutwâla lumbe mu mubiri gwo·na. Sibya omugwa, akâyi,



akagoye; bw'oba omutambuze nga tolina ebyo bya mangu, yuza olufuvu ku kyambalo kyo; totya, anti bifunwa mulamu", onyunyûle ·nyo okugulu.

Ate ekirala, ng'omaze okwesôka okusiba, sala we gulumye weyongere **okugaziwako** omusâyi gufulume, o·dire ama·zi ama·nyogovu onâze ekiwundu. Togamba nti gunsanze ku ·tale nga sirina kambe wabula omu·go, e, ate olumuli nalwo tomanyi bwe lusala bulungi. Sasambulako akamuli osale mu kiwundu; ate ekyo kikole mangu awatali kulwa. Bw'oba oli waka, amagezi amangu ga ku·dira kiwûbiro ne bakulumikawo, omusâyi omubi gulyôke gu·veko. Naye bw'oba osangi·dwa ku ·tale, mu kiwundu omusota we gulumye nûnawo, omusâyi oguwandule. Ekyo tekirina musango n'akamu, wazira be·po ng'akamwa ko kalimu e·bwa oba musile oguyinza okulêta omusâyi, kubanga mu kabwa ako obusagwa bu·ja kuyingirawo bugende ate mu musâyi.

Oluva·nyuma ·no ng'omaze ebyo n'**olyôka oyokyâwo** n'ekyûma newakuba·de eryanda.

Okujuna omuntu wo n'olyôka omuwa kâwa abuguma, oba ama·zi g'okamuli· demu ·nimu ama·nyogovu. Muwe n'ekintu ekibugumyêko ekiyinza okumutûyanya, ng'e·sunsa e·yuluge, oba kyâyi ng'oba·de omulina,

wâkiri ekintu ekirala era nga bw'oyinza, wâkiri obugumye e·jinja mu kyôto okandule olumbugu n'ekinyirikisi wamu olisûlemu omwoteze, era nga bwe mumanyi·de okukola abalwa·de ba·mwe okubatûyanyakô, okutûyana nakyo kiba kya mugaso.

Abaganda mwâlina amagezi ag'amangu: ng'oli aba·de ali ku ·tale oba muyi·zi, yagendanga ne tâba we mu nsawo. Awo ·no nga bw'alaba gumulumye agâya taba, amalusu agamu n'amira, n'asala mu kiwundu ky'omusota n'awandawo amalusu ga taba, by'agâyêmu n'abikûta mu kiwundu ekyo.

Awo ·no omusota nga gukubo·ze, lw'oto·danga mu kusala nto·to nti Ka ngende eri omusawo; ne·da tolindirizanga. ·Jukira nti **"Ekibâwo kimala, e·nyindo y'enkoko kye kyênyi."**

## OMUSU·JA

Omusu·ja ndwa·de ya ·da, era bagyogerako ne mu bitabo eby'e·da. ·So abantu bâmala e·banga ·dene ng'e·dagala lyâyo likyâbabuze.

E·dagala lyâyo lyazûka ng'Abazungu bazu·de America. Ensi eyo nga ya musu·ja mungi,



era abazâliranwa bâmu nga bagumanyîko e·dagala, bâgayânga ekikuta ky'omuti gwe bayita Cinchona. Abasa·ja abo nabo bâli bakola ng'Abaganda nga tibayogera ·dagala lyâbwe, naye Omuzungu yalwa ·dâki n'ali·gukamu; Abasaserdoti Abayezu abasomesayo be bâli·gukamu; amangu ago ne libunyizibwa mu nsi eze Bulaya.

Bâsôka kusa busi bikuta bya muti ogwo ne banûna. Oluva·nyuma ne balyôka bazûla amagezi ag'okwawula e·dagala lye ·nyini eriwonya omusu·ja lye bayita Quinine.

Naye okutegêra omusu·ja nga bwe guli, ekyo kya mirembe gino. Mu mwâka 1880, Omusawo omufransa Laveran eyali mu Buwarabu, ye yasôka okulaba mu musâyi gw'abalwa·de obuntu obutalabika mu musâyi gw'abalamu. Omusawo Ross omungereza, ye yayongera okukebera ng'ali mu Buyindi, ate Omusawo Beck naye ne ye·sa ku mulimo ogwo (ye mudaki). Bwe batyo ne bazûla ng'endwa·de eyo eretêbwa buwuka.

Obuwuka obwo bukumalako omusâyi gwo omulungi, omumyûfu; anti omusâyi gwo ye mmere yâbwo, bulyâmu ebitundu ebirungi ebimyûfu, ne buzâliramu ne bu·nâbwo nkumu ·nyo, bwe kityo ne bubuna omusâyi gwo·na ne bugwonôna; omuntu kwe kuwâtuka n'ayongobera, olûsi era azimba amatama n'olubuto. Akabi ako ko·na kalêtebwa nsiri.

Kale ·no ensiri ng'emaze okuluma ku mulwa·de, e·da ate ku mulamu naye n'emusekêsereramu olumwa lwâyo. Ku lumwa olwo kwe ku·jira obuwuka obuvu·de ku mulwa·de ne buyingira mu ·gwe. Olwo nga biwe·de, nâwe obulwa·de nga bukubaka.

Naye ensiri zo·na tizirêta musu·ja, ezigulêta za ngeri njawufu; era ne mu ngeri eyo, enkazi yo·ka ye mbi.

Ensiri eyo eba ntonotono, ate nzirugavu, era ebîka amagi gâyo ku ma·zi agatakulukuta. Ensiri eyo embi okugitegêra n'okugyawula ku zi nayo osinzîra ku bino: Endala bwe ziba ku kisenge, ziyimirira bulungi era ng'ebisolo bwe biyimirira ku ·taka; naye eno efânana kwesulikako, n'olumwa luli lwesimba bwesimbi, era ne bw'eba ekuluma bw'ebêra bw'etyo.

Ensiri eyo tetera kubula wali ma·zi, kasita ama·zi ago gagâna okukulukuta, ne bwe gataba mangi tetera kubulako.

Kale mu bitôke, mu ·nanansi, mu kasôli, mu mpânyi, mu bijanjâlo, lêro buli awali akafo aka·nyogovu omulemera otu·zi, eyinza okubêramu: ate tegenda na wala, era tebûka kugenda ·nyo wa·gulu, kubanga etya olubugumu n'omusana. Obwâna bwâyo tibulina walala we busobola kuzâirwa na kukulira, wazira ku ma·zi kungulu.



Ensiri eyo ya mwâka; si ya buli bu·de, erina ebitundu by'omwâka mw'e·jira.

Waliwo ensi nsiri mwe zizâlirwa e·nyingi okusinga mu ndala, olw'okubêra ebitôgo n'ebidiba ebisangibwa ebingi mu nsi ezimu: era waliwo n'emyâka egirêta ensiri e·nyingi okusinga emirala, gye gîgyo egiyimba omusana n'enkuba. N'obu·de mwe zi·jira nabwo bumanyi·dwa, bwe bu·de obw'ekiro. Ensiri ezo tizitera kubêra mu nsi zo·na: Mu bitundu ebimu ebye Bulaya tozisangayo. Naye ensi za·fe zino eziri mu kitundu ky'Afrika ekya wakati, bwe butaka bw'ensiri ezo.

Mu bifo bingi bâsimbamu ·da obubira, na ·dala obwa kalitunsi (eucalyptus), ekyo kya mugaso ·dala, kubanga kalitunsi akula mangu, ate gwe muti ogunyunyunta ama·zi, bwe gutyo ne gukaza ebifo mwe guba gusimbi·dwa: ebitaba, ebidiba, ensiri nga zi·duka, n'okufa nga zifa; olwo nga n'omusu·ja tugwegobyêko. Ekigambo kino kyakolebwa ne mu nsi endala ·nyingi, endwa·de n'egenda ng'e·gwâmu, na kati ensi ezo ·namu ·nyo.

Mu nsi endala bamansa omuzigo gwa merikane ku ma·zi ag'ebitaba, amagi g'ensiri ne gafa. Naye ·no kubanga ekyo kizibu okukola, omugezi tazimba ku mu·ga.

E·dagala ery'oku·dukana ligasa ·nyo ku musu·ja. Ligasa kubanga olubugumu olulетêbwa omusu·ja lulêta endulwe ·nyingi eyonô-

na omusâyi; awo bw'e·jula omubiri ng'e-ndwa·de yeyongera, ate e·dagala eryo lye lisinga n'ekiwubîro okumala obwononefu mu musâyi. Lûsi okulinywa kimala okukuwonya.

Entûyo nazo zigasa, ge ma·zi Katonda ge yawa omubiri okutukuza omusâyi. Awo ·no ow'omusu·ja, bw'atûyana lw'awona n'amangu. Naye okugalamira awo, nga weyanise mu lu·gya, ekyo kibi ·nyo ku musu·ja, era lumbe. Ekisinga kwe kwebi·ka n'obuguma.

Omuganda yeyamba kiwubîro na kamwâno. Ekiwubîro kigasako, wewâwo, kubanga o·gyako omusâyi ogumu omuvundu, naye gw'olekamu gwe mungi, ·so nga nagwo muvundu, bw'otogumalêmu, obuwuka buli bu·ja kweyongera bweyongezi.

Naye okugobera ·dala omusu·ja ogwo ogw'ensiri, mpâwo magezi malala gasinga kumira ·dagala eryo erya Quinine

## ENKUBA GY'EVA

1.—Omwâka bwe gu·kirira tulaba ng'e-nkuba teta kuto·nya, na ·dala mu bu·de bwa To·go. Kale enkuba eyo eva wa? eki-girêta kiki?



Enkuba ng'eneto·nya olabira ku ·gulu nga libunye ebire ate nga liku·te kazigizigi. Awo ·no enkuba eva mu bire. Kye kîkyo ·gwe wa·ma.

2.—Naye ebire ebyo bivamu bitya enkuba? Okutegêra ekyo labira ku bino: kale ·dira ekibya ky'ama·zi oki·se ku kyôto; ama·zi ago bwe gesera, o·ja kulaba oluva·nyuma nga ganyôka ng'omu·ka. Naye bw'ogeza okutangira omu·ka ogwo n'esowâni, ogenda okwezimûkiriza ng'oguba·de omu·ka gufûse butondo bw'ama·zi, ate obutondo obwo nga buto·nyato·nya wansi.

Enkuba nayo bw'ekolebwa bw'etyo mu bire. Enjuba ye ·na·nyini kukola mulimo ogwo ogw'okufumba ebire. Olutûka ng'esimba amagulu gâyo mu ma·zi go·na ag'e·nyanja, n'ag'emi·ga, n'amalala ·gona, ng'egabugumya.

Ama·zi ago bwe gamala okubuguma, awo nga ganyôka, omu·ka gw'otayinza kulaba na mâso ne gali·nya mu ·banga. Bwe gatûka wa·gulu eyo, ne gasanga ekifo eki·nyo-goga, olwo nga gusôka okwekuma awamu, n'okutenge·jera mu ·banga; gwe gûgwo gwe tuyita ebire. Ate bwe gweyongera okukwâta, kwe kulaba obutondo bw'ama·zi nga buge·ja. Olwo kazigizigi ng'akwâta, e·gulu nga lita-nula okubindabinda; kubanga obutondo buyinze okuzitowa. Omu·ka ogubuwaniri·de

bwe gulemererwa okubusitula, bugwa wansi gye bwava. ·Fe ne tubuyita enkuba!

Kavuna esôka okuwanda·girira, ·gwe wa·ma aba·de alina ky'ayanise mu lu·gya, nga yeyuna kukyânula, omutambuze minvûli ng'amenya.

3.—Naye enkuba eyo eto·nya e·da wa? Mbêra ye mukoka gw'olaba akulu·guka nga yeyuna mu biwonvu, anti ge ma·zi agamu agamirwa e·taka, oluva·nyuma ne ga·gukira mu nzizi; amalala galaga mu mi·ga egiga·zâyo ate ku ·nyanja gye galiva olulala oku·dayo mu bire.

Omugaso gw'enkuba gulabika mangu: kuba ye yîyo ewewêza obu·de obuba·de obw'omusana; n'ekwâsa enfûfu eba·de efûmûka, n'emeza buli ekimera kyo·na n'emmere ya·fe.

## EBIROMBE BYAMANDA

1.—Mu nsi ze Bulaya amanda ge bawêsesa ne ge bakozesa emirimo emirala, gava mu ·taka. Amanda ago gabêra wala mu ·taka, okugasima okuga·gyayo ntalo nsa.

Bwe bamala okuzûla ekifo mwe gali, awo nga be·sa mu kuyikûla e·taka. Okugatûkako



olûsi basima eki·nya obuwanvu bwâkyo ebigere enkumi ·satu n'okusingawo.

Bwe bagatûkako ne balyôka okusima emikwêsese egy'obukîka, ne bakola amalugulugu agali ng'enju. Ne ba·sâmu empagi okuwomeka e·taka lireme okubotoka.

Ebyo nga biwe·de ne balyôka be·sa ku mulimo ogw'okusima. Basimisa nsululu engumu e·nyo. Bwe gawera ba·dira amagâli ne basomba nga ba·sa okumpi n'omulyango ogufuluma ebwêru. Mu kifo ekyo ba·sâwo ekyûma ekigasitula okugatûsa ebwêru.

Empuku ze basimamu bwe zeyongera okugaziwa, balêta empagi ne bawomeka e·taka erya wagulu lireme okubagwîra.

2.—Naye okukola mu birombe by'amanda kwa ndasano: kuba ebi·nya ebyo biyinze obuwanvu, empewo ey'obulamu tetûkayo bulungi. Buli ·jo abakolamu baba n'ekyûma ekibasikira empewo ebwêru. Mu bi·nya omwo olûsi musitukamu omuka ogw'engeri, kavuna gutûka ku muliro, amangu ago nga gutulika nga gwokya abakozi.

Ekizikiza ekiri wansi eyo kya kitalo, emisana n'ekiro toyawula. Abantu abakolayo bakolêza e·tawâza ennaku zo·na. Naye balagirwa okuzisabikako obutimba obuziyiza omuliro okumasuka nga guba·de gutûki·dwâko omu·ka ogwo.

Eyazûla ago ye Mungereza Davy, ·gwe wa·ma yawonya ab'omu birombe akabi ako. Okumanya ng'omu·ka ogwo gwa kabi kanene, olulala mu Bufransa gwatulikira abantu 1200 ne bafa bo·na!

3.—Amanda gava wa? Si walala wabula ku miti n'emi·do. Ebintu eby'engeri eyo bwe bikala bifûka nku.

Naye anti omanyi ensi bw'ekula, ·nakati kwe kufûka emiyagi.

·Bwe kityo, n'ebikalu bitâka ebyo kavuna bigwa wansi e·taka ne libizîka, oluva·nyuma nga wayise emyâka n'emyâka bifûka bisirinza. Bâkayikûzi bwe babitûkako nga basima, kwe kubiyita amanda: kubanga gâka ng'oluku.

Ensi ezikira okuzûkamu amanda ye America, Bungereza, Budaki, Bufransa ne Bubelgi.

## SU·KARI

Waliwo oluyimba olugamba nti "Abato bâgala kiwômerera"; ne su·kari kuba awômerera ky'ava awômera abato. Omwâna bw'akwâta e·kerenda lya su·kari n'amala alikuba mu ·tama, amangu ago awulira



amalusu bwe gesomba. Ekigalêta si kirala wabula ye su·kari asenêkerera mu kibuno, ate ng'awômerera ng'omubisi.

Su·kari asangibwa wangi: mu miti tabuzêmu, nga ka·nyomusenke n'ebika·jo. Ne mu birala abêramu: kale lya ku ·nanansi oba ku muyembe. Ekiwômerera ky'owulira ye su·kari. Omubisi gw'enjuki bagutenda okuwôma, kubanga namwo mulimu su·kari enjuki gwe zisaka, mu bimuli ne mu mênvu.

·Su·kari oyo gwe batunda mu butale bamu·gya wa?

### I.—Su·kari gy'ava.

Su·kari abantu gwe balunga mu by'okunywa oba mu by'okulya, basinga kumu·gya mu bika·jo ne mu mirandira gy'eki·do kye bayita "beet."

*1) Ebika·jo.*—Bagamba mbu ebika·jo Abagreki be bâsôka okubizûla. Olwatûka, nga kabaka wâbwe Aleksander agaba olutalo okulwânyisa ab'omu Asia. Yatûka ne mu Buyindi, n'agoba n'awangula ensi eyo mu mwâka 327 Yezu Kristu nga ta·na·ja.

Ab'omu Asia n'Abayindi okuva e·da n'e·da nga bamanyi amagezi ag'okwefunira su·kari mu bika·jo. Abagreki bwe bâwangula, nabo ne ba·gyayo amagezi ago. Ebika·jo okuva olwo ne bigenda nga bibuna mu nsi nyingi.

Ekika·jo mwe·na mukimanyi: kifânana ng'olumuli, kiriko n'e·nyingo ng'ez'olumuli,

kyo·ka kyo kisinga bunene. Kibâko ebikôla biwanvu ng'eby'ebisagazi, ate nga biperûfu.

Ebika·jo bisinga ku·da mu nsi ya ·bugumu, kwe kulaba nga mu ya·fe bi·damu bulungi. Ebika·jo biba bya ngeri ·nyingiko. Naye engeri ezikira okulabika ziri ·nya. Waliwo ebika·jo ebi·dugavu; eby'engeri eyo biba n'ekikuta kigonvu. Engeri ey'okubiri y'e-y'ebi·dugavu ate nga birimu amagûdogûdo. Ebyo babiyita bizungu. Naye biba bikalubo, byanya na mangu.

Eby'engeri ey'okusatu biba bya ·nawandagala, bigonda mu kulya ate bibâmu ama·zi mangi; bye bîbyo bye bayita ebiganda. Engeri ey'okuna ye y'ebika·jo ebya kyênvu, e·nyingo zâbyo si mpanvu ·nyo, babiyita bigôwa. Naye okuwômerera ·gero.

Okwawulamu engeri ezo e·nya basinzira ku mpango za bika·jo, kuba njawufu, naye si ku bikôla, kubanga byo·na bifânana. Mu nsi ya·fe ebika·jo bi·damu bulungi, kubanga nsi ya ·bugumu. Okusimba, batema ekitundu ekya wa·gulu, kye bayita omusa, ne basimba mu ·taka. Ne mu nsi endala ez'e·bugumu bi·damu bulungi; nga mu America, mu China emaserengeta, ne mu· Buyindi. Lêro eyo kye kitebe kyâbyo.

*2) Beet*—Twâgambye nti ebika·jo bi·da mu nsi za ·bugumu: naye mu nsi e·nyinyogovu ng'eze Bulaya, tobisangayo. Abâyo su·kari



bamu·gya mu ki·do ekiyitibwa beet. Eki·do ekyo kisinga oku·da mu Bufransa ne mu Bu-belgi ne mu Budaki. Mu nkula yâkyo kiba kimpi kyagagavu, kirina ebikôla bigazigazi. Kibalako omunwe ng'ogwa lumonde omuganda. Ku munwe okwo kwe kusibuka ebikôla. Omunwe gwâkyo guba muyubufu, obuwanvu gugobereza luta na kitundu. Obu-de bwâkyo bwe butûka bakisima ne ba·gyako eminwe giri. Gye gîgyo egivamu su·kari.

## II.—Su·kari alongôsebwa atya?

Okutegêza obulungi, tuyawulamu engeri zombi ze twoge·deko.

1) Su·kari ow'ebika·jo bamulongôsa bwe bati. Olutûka nga batema empango z'ebika·jo. Bwe bazitûsa mu kifo we bazirongôseza, basôka kuzitematema bitundu.

Olumala ogwo ba·sa mu kyûma kya miti ebiri emyekulungirivu. Kizira kubisûla wakati wa miti egyo, amangu ago nga gyenyôla okunyigiriza ebika·jo. Gibikamulira ·dala obutalekâmu tubisi. Omubisi gukenenukira mu sowâni ze bategese wansi. Bwe bamala omulimo ogwo, omubisi bagu·dira ne bagufumba okutûsa lwe gwesera. Mu kwesera okwo, guvako ebintuntu ebirala ebitali su·kari n'obukwabâya bwo·na ne bwesenge·ja.

Bwe bamala okusenako ebintu ebyo, badamu okugubugumya enfunda ·nyingi oku-

tûsa lwe gukwâta ng'entungo. Awo ne balyôka bagu·gya ku masiga, ne bagu·sa e·bali guwole.

Nga guwoze bagufuka mu ·tamu eririmu obutulituli mu ntobo, naye nga buzibikire. Omwo gumalamu e·sâwa 24, ne balyôka batandika okugusukûnda. Gulwa ·dâki ne gukwâta empulunguse eziri ng'amakerenda g'omu·nyu. Balindako e·banga nga lya ·sâwa 6, ne bazibukula obutuli obuli mu ntobo, ama·zi agaba·demu ne ga·tulukuka.

Mu ·banga eryo oguba·de omubisi lêro gufûse su·kari, ate ng'aku·te ebitole, naye nga mugonderevu nga bw'olaba entungo ensekule. Olûsi bamutundira awo nga ta·na·gwa kulongôsa. Asigala akyâli omumyûkirivu, ye wûyo gw'osanga mu butale gwe bayita "su·kari ·gulu."

2) Su·kari owa beet bamulongôsa bwe bati:

Olutûka nga basima eminwe gya beet; bagi·gyako ebikuta ne baginâza bulungi ne gitukula. Oluva·nyuma bagisalasala ebiguju ne babikamulamu omubisi. Omubisi ogwo bagufumba nga bata·demu e·dagala eryêru eriyitibwa chalk.

Bwe gwesera guvamu ebintu ebitagasa, byo·na ne bitenge·jera kungulu. Ebyo babikenenulako bulungi, omubisi ne gusigala mwerêre.



**III.—Okutukuza su·kari:**

Su·kari ow'ebika·jo n'owa beet bamutukuza mu ngeri emu. Basôka kumusânûsa mu ma·zi, ne basôka batabikamu omunyale gwe ba·gya mu magumba ge bafumba. Era bongeramu n'omusâyi gw'ente, ne bafumbira wamu byo·na.

Omunyale gwe batabulamu gugasa oku·gyamu erangi eri emberyêberye, omusâyi, gwo gugasa oku·za kungulu obukwabâya bwo·na wamu n'ebintuntu ebitagasa.

Su·kari bw'amala oku·gya e·nyo, bamutegula ku masiga ne basenge·jera mu ntamu endala. Bwe bamala okumusenge·ja bamuleka awo n'awola. Mu kuwola okwo agenda yekwâta obukerenda ng'obw'omu·nyu, ate n'atukulira ·dala be tukutuku. Awo omulimo nga guwe·de, ekisiga·de kwe kumu·sa mu masandûku n'okumutunda nga bwe bâgala.

## KYAYI

Eri·nya eryo "Kyayi" litegêza ebikôla ebikalu ebinogebwa ku muti oguyitibwa kyayi. Guba muwanvu ebigere 10, oba 12, naye batera okugusalamu olulimi nga gwakatûka ku bigere 5, oba 6, oba era 3,

balyôke banogeko mangu kyayi. Ebikôla byâgwo bya musonge. Gwanya ebimuli byêru.

Omuti ogwo gwa ngeri ·biri: 1/ waliwo omwagagavu, ebikôla byâgwo bi·dugavu, ate nga bya luwewere, obuwanvu bwâbyo byenkana ngalo; 2/ ate waliwo omulala ogu·tali munene ng'ogwo.

Kyayi ava buvanjuba mu nsi eyitibwa China, n'alyôka asasânira ensi yo·na: Japan, India ne Ceylon. Ate agenda ayingira ne mu nsi endala. Oba oyagala okufuna omusiri gwa kyayi, totwâla bulokwa, oba obutabi, wabula ensigo. Ensigo eyo ng'ogifunye girabire awalungi, na ·dala ku busozisozi, ogi·sêwo. Kyayi oyo omulinda n'ayitako emyâka 2, mu gw'okusatu n'oto·jera okunoga, buli mwâka emirundi ena.

Mu China, ekitebe kya kyayi, bamunoga mu April, May, June ne mu August. Mu myêzi egyo olaba Abachina nga bânamye ku nsozi, anti buli nju abâmu basituka bo·na n'obusero obulimu olwambalizo nga babwambali·de mu bulago, ne be·sa mu misiri. Bagenda banoga ebikôla n'emikono gyombi nga bwe basûla mu kasero.

Mu bikôla ebyo muvamu kyayi wa ngeri ·biri: omu·dugavu n'owa kikûsikûsi. Engeri ezo zombi tiziva mu muti wabula mu ngeri gy'alongôsebwâmu nga ta·nafumbibwâko.



Omu·dugavu bwe bamu·gya mu musiri bamutûsiza mu lu·gya ng'e·gobe, ne bamuwotosâko mu kasana, bw'aba awotose, ne bamusîkako, bwe bamu·gya mu ntamu bamuyiwa ku mmêza ne bamukuyûya okumu·gyamu ama·zi, awo nga bamuyiwa ku lu·nyo nga bakalirira, balimu·gyako kumu·katira mu masandûku mw'alitundirwa.

Owa kikûsikûsi ye olumu·gya mu musiri bamusîkirawo mangu ago, nga bamukuyêya, ate nga bamu·za mu ntamu nga bamusîka ng'entungo, ng'akalira ·dala be ngwa. Omulimo gwo·na guwe·de! Naye asiga·de kusibwa atundibwe.

Kyâyi oyo atundibwa mu nsi ·nyingi, na ·dala mu Bungereza ne mu Rusia. Abalimi ba kyâyi, omusimbi gwe bakokôla mu nsi ezo tomanyi bwe guli.

Abachina n'Abajapan, era n'ensi ze twoge·deko engulu, kyâyi kye ky'okunywa kyâbwe, buli w'okuba erîso batunda kyâyi, si mu bibuga, si ku makubo. Ate ·no bo tobabûlira mata, oba su·kali, bakawûlira awo mukalu. Mu Bugwanjuba mpa awa mungereza mutwe mu kunywa kyâyi. ·So ·no nga bamuyize ·jo wano, mu mulembe 17, (1664.) Ne mu Buganda agenda abuna, ·so abamanyi okumufumba obulungi ba·kekwa. Kale ·no amagezi gâgano:

1/ Sânikira bulungi kyâyi wo mu kabwêta ke.

2/ Ng'ofumba kyâyi, mu buli kikopo kya ma·zi têkamu oba kitundu kya kigîko, oba kigîko kiramba.

3/ ·Dira ensumbi ·biri ozibugumye nga njerêre, awo n'o·dira kyâyi n'o·sa mu emu. n'o·dira ama·zi agâkêsera n'ofukamu. Lindako e·dakîka nga ·satu, n'olyôka omusenge·jera mu nsumbi ey'okubiri. Kyâyi omufumbe atyo bw'omukombako, ogamba nti gwe nnanywa-nga.

## KATONDA KY'ATEREKERA OMULAMU TIKIVUNDA

Lêro ekigambo ekyo kitûse ku ·nya·fe Bungereza, anti Abapersia, Abamisri, Aba-greece, Abaroma n'Abafransa, bo·na bafuga ensi ·nyingi. Naye lêro Bungereza naye atûse ku nti·ko, awo ·no ku lw'ekyo abantu mwe·na abasula mu matwâle ga ·nya·fe Bu-ngereza, nsûbira nti Timûleme kusanyuka nga mbanyumiza ku bwakabaka obwo obw'e-kitîbwa, anti nga bangi ·nyo abatayigangako ku Geography, era n'abâyigako nabo basanyu-ka oku·damu okusoma ku bye bâyigako.



Kale ·no, wulira omugezi omu eyagamba nti Enjuba tegwa ku ngoma ye Bungereza; ·gwe wa·ma ekyo kya mazima ·dala. Anti bw'okuba erîso erûyi, ebuvanjuba n'ebugwa-njuba, emambuka n'emaserengeta, buli erîso we ligwa lye·kata ku ngoma ya Bungereza, lêro tumenye wa na wa. Okusôkera ·dala ye Bulâya, tutuno mu Afrika, mu Asia, America ne mu Australia. Lêro ba·nange mmenyeko bitundu bikulu omuli amatwâle, naye sitê-tu·de buli kafo we kafa kenkana, anti mpo·zi byandimazêwo akatabo ko·na.

Emyâlo emikulu gyo·na, amâto amangereza mwe gakubira e·kwenya. Awo ·no amatwâle amangi gatyo nga bwe mugawuli·de, tigale-mye kulêtera ·nya·fe Bungereza buga·ga, ate wo·na wo·na we bandyagâ·de okutundira eby'amaguzi nga bwe mumanyi bwe bali abasa·ja abakozi, bagenda begulûsa, anti nga tibalina kye bekeka, n'ebyâbwe bigenda mirembe. Omungereza ye mulu·nyanja mali, bâsôka ·da ·nyo; okuva olwo ne bagenda nga beyongera okututumuka batyo okutûsa mu biro bino, awo ne befunira eri·nya lino erisâni·de "Kabaka w'e·nyanja."

Nga bwe ngambye engulu nti Engoma yâbwe tegwibwâko njuba, kale tegêrera ku kino nti Ensi nekulungirivu ng'e·pê-ra, mwe·na nsûbira nti mukitegêra, anti

enjuba yo ye kabaka wa byo·na. Ensi ya·fe eno kwe tubûngetera yetolôla ku yo obuvo n'obu·do, yo enjuba eri awo wa·gulu butengerera tevawo, gye buliva ne gye buligenda, wabula ku luli mwe·na lwe mutegêra, anti ku nkomerero. Awo ·no ensi bw'eba egoberera enjuba egenda yebonga bwebonzi nga bwe mulaba enje; awo kwe kulaba nga buziba ate nga bukya. ·Fe ab'omu nsi zino Bulâya, Asia, Africa ne Australia bwe tuba nga tuli mu misana, ba·na·fe bali abali mu lukalu olu·gya, anti America, bo nga bali mu kufulûta bufulûsi. Ekyo tiwali kukyewûnya, anti okwebonga kwe kukola kutyo ensi okufûkafûka etyo, awo kw'ôtegêrera engoma y'Abangereza bw'etegwibwâko njuba olw'okubêra n'amatwâle wo·na wo·na.

Era munewûnya okulaba obuga·ga bw'engoma eyo, anti mu nsi zo·na ezâkafuga obwakabaka obunene, mpâwo n'emu egiwa mutwe; newakuba·de Roma mwe·na gye mumanyi nga bwe yafuga, anti bo bâfuga ensi zo·na ezâli zimanyi·dwa wansi w'e·gulu. Awo ·no bw'oga·ta awamu ensi zo·na ze bafuga, olaba nga zitimirira mu mayiro obuka·de 12 1/2; kwe kugamba nti Enkulungo y'ensi yo·na ng'oba·de ogisazêmu ebitundu bitâno, yo Bungereza etwâlako kimu kirambirira; ate abantu bo·na awamu okubaga·ta bawera



obuka·de 450: kwe kugamba nti kye kitundu eky'okuna eky'abantu bo·na abali wansi w'e·gulu.

Nsûbira nti Bangi ababa·de tibalina kirowôzo kino mu mitima gyâbwe ku ·nya·fe Bungereza, lêro bakifunye, era nsûbira nga tibâleme kusanyuka ·gwe wa·ma, era banewûnya ·nyo ·dala okulaba bwe yasala amagezi okwefunira amatwâle amangi gatyo okukira ensi endala zo·na mu ngeri ennungi ·dala, anti ye y'omukwâno obukwâno awatali mpaka. Kwe kugamba nti bantu ba ·gonjebwa ·nyo, anti mu matwâle ago go·na ge bâlîsa emmundu, ·nandigambye nti ga munaganwa ·nyo ·dala. Enfuga yâbwe mpâwo muntu aginyôma. ·Fe ·no tuli ba mukisa ·nyo okumenyerwa mu bwakabaka obuli nga buno. Kale ayongere okutukûmira mu ngalo za ·nya·fe Buganda, atuwambâtire mu biwawâtiro bye, atukulembere obulungi mu byo·na.

# DAUDI NE YONATHAS, AB'OMUKWANO OMULUNGI.



Daudi yali akyâli muto, Katonda n'amulonda okulya obwakabaka bwa Israeli.

Kabaka Saulo bwe yagwamu akajabangu ne balêta Daudi amukubirenga e·nanga; kuba mu Israeli mwo·na nga mpâmu awa Daudi mutwe mu kuyimba ne mu kukuba e·nanga. Awo ·no yalabanga kabaka asîkûse n'amukubira e·nanga; ekyo nga kimu·ka·kanya. Kabaka bwe ya·sûkako, Daudi n'a·dayo ewâbwe. Eyo olutalo lw'Abafilistini gye lwamusanga naye n'atabâla, lwêrwo lwa·se ne Goliath. Bwe lwa·gwa n'asigalira ·dala mu lubiri ng'abântu bamutenda, ate nga bamusîma ·nyo, ne Yonathas ye ·nyini mutabani wa Saul nga tomanyi ky'amwâgalamu. Olw'ekyo, kabaka n'amukyâwa, na ·dala olw'okutêbereza nga Daudi a·ja kulya obwakabaka bwe.

Yamutamira ·dala, n'ayiyâmu na ga kumu·ta. Daudi kwe kuva mu lubiri a·duke Kabaka Saul. Naye n'atayagala kugenda nga



tasibu·de mukwâno gwe Yonathas, nti Mu·nange, kakano ntege·de nga kabaka ankyâye, ·so sitegêra nsonga z'asinzirako kwâgala kunzita! Ko Yonathas nti "Wewâwo, Kabaka akuli bubi, naye era si·na·gwâmu kusûbira ng'ali·damu okukwâgala; anti luli Kabaka yali afânana kugondagônda. Ne Katonda talemwa kantu, akyâyinza okufûla omutima gwa kitange." Ko Daudi nti "O, Yonathas mukwâno gwange, nkwegayiri·de ku lw'Omukama, ne ku lw'omukwâno gwa·fe, leka kwerimba. Bwe ·nekolera ne nzira mu lubiri nze mufu alabise."

Ne batêsa okugeza Saul omulundi ogw'oluva·nyuma. Daudi n'agamba Yonathas, nti Ka ·nekwêke okutûsa ku lw'okusatu. Obanga kitâwo akubûza ekinziyi·za oku·ja, omu·dangamu nti " ·Namusindise e Bethleem ku mbaga y'ekika kye." Bw'ali·damu, nti Wewâwo, okwo kw'olitegêrera ng'a·ka·kanye, naye bw'alisunguwala, ng'otegêra nga ta·naba. Kale ·no ·sebo, wa·kiriza okumpita mukwâno gwo, obulamu bwange mbukukwâsi·za. Bwe mbanga nkulête·de obubi, onzitanga, naye tonkwâsanga kitâwo!"

Yonathas n'amu·damu, nti Wô, mu·nange Daudi toyogera bw'otyo: anti omanyi nga newakuba·de kabaka yeyongera okukukyâwa, era mpâwo kiyinza kundobera kukubûlira

byo·na! Awo ate n'asitulira Katonda omutima gwe, nti "Ayi Mukama Katonda wa Israel, obanga mu nnaku e·biri ntegêra kitange ky'anakolera Daudi ne mmala simubûlira, nvumirirwe!" Ate n'a·za amâso ku Daudi, n'amugamba nti "Bâba Daudi, oba tuli ba kwawukana, bêra mirembe; Katonda abêre nâwe! bw'obanga owangu·de abakukyâwa, nga nkyâliwo, onjijukiranga mukwâno gwo; era n'ekika kya Yonathas okigiriranga ekisa. Naye bwe mbanga nkuli·demu olukwe, Katonda anzikirizanga ne baganda bange bo·na! Amagezi ge ·nyinza okusala okukutegêza ebifa mu lubiri, ge gano: Ku lu·dirira Sa·bato wekwêkanga mu ·nimiro eri okumpi n'e·jinja e·dene Ezel. Ku lunaku olwo ndi·ja n'omu·du ayambali·de omusâle gwange, ndirasa obusâle ng'ayagala okutêba, ne ntuma omu·du obusâle. Bw'oliwulira nga ngamba omu·du, nti "Oyisi·zâwo, obusâle busiga·de eno emabega gye ndi" kw'olitegêrera ng'oyinza oku·da mu lubiri. Naye bwe ndigamba, nti "Weyongereyo bugu·de eri!" ng'omanya ng'okwewonya oli wa ku·duka bu·dusi."

Olwa·dako nga lwe lunaku Noemenia, Kabaka n'atûla ku mbaga, Yonathas n'amutûla ku ·dyo, ekifo kya Daudi ne kisigalira awo nga tiwali atu·demu.



Ku olwo Kabaka tiyayogera ku Daudi. Naye olwa·dako n'agamba Yonathas, nti "Aba·fe, mutabani wa Isai alaze wa?" Ko Yonathas, nti ·Sebo, nze ·namusindise e Bethleem ku mbaga y'ekika kye, anatera oku·da.

Kabaka n'asunguwala, n'amubo·golera nti Onnimba, olowôza simanyi bwe muli ba mukwâno? Tumayo bamundetere, kikakafu wa kufa! Ko Yonathas, nti "Yakoze ki ekinamu·sa?" Saul n'abaka e·fumu afumite omwâna we. Yonathas n'a·duka.

Olwa·dako n'agenda okutegêza mu·ne ebifu·de mu lubiri, n'akola nga bwe bâli batêse·za. Daudi n'afuluma mu mpuku, n'asisinkana mukwâno gwe, n'amukubira amavi, ng'amwebaza ekigambo ekyo eky'obuzira ky'akoze okumwôleka bw'amuliko. Yonathas n'amuyimiriza, n'amunywêgera, bombi nga bakâba. N'amugamba nti Bâba weraba! naye tiwerabiranga kiragâno kye twakuba mu mâso g'Omukama, ate okutûsa lw'olifa, ojjukiranga Yonathas!"

## ANNIBALE OMUZIRA.



E·da mu mirembe gy'Abaroma nga Mukama wa·fe ta·na·ja mu nsi, mu kibuga Kartago eky'omu Africa engulu, mwâlimu omusa·ja eri·nya lye ye Annibale. Yali muzira mu ntalo nga mugezi kitalo.

Okuva obuto bwe yegômbanga okulwânyisa Abaroma abagobe. Era bwe gwâli. Omusa·ja oyo yali yâkamala emyâka abiri mu musânvu, ne wasitukawo olutalo, abe Kartago nga bâgala okuwangula Abaroma. Awo ne bagaba Annibale; omwâka nga 218.

·Sempala tiyali mubi, n'ayambaza abaserikale 40,000 ko aba·gazi 900 n'enjovu 37, n'akukûta n'alaga mu Italia, wûyo atûse ku kibuga kye Roma. Abaroma tebalu·de bekembye, babalumbye, e·nyago zikeke de.

Olwo Annibale erîso erimu tirya·da, abaserikale be bafu·de; ·so teya·da mabega, Abaroma n'abakinako, n'abawerêkereza n'abatûsa ku kibuga kyâbwe, n'asisîra.



Abaroma bâlaba omulabe abazimbiri·de ku ·nyindo ne bagwâmu entengero, abakungu ne bâgala okuva mu kibuga ba·duke, ·so olukîko ne lwerema, olwo ekibuga ne ki·galwa. Awo Annibale yalaba abafunzi·za mu kibuga, n'alagiriza ab'ewâbwe bamu·dûkirire.

Naye ba·ne ne bamukwâtirwa obu·gya, ne bagâna okumuyamba nga begambira kimu nti Oba agobye, tiyetâga ku·dûkirirwa, oba agobe·dwa, atuteganyiza ki?

Annibale yalaba biri bityo, era n'ataterebuka, ·so nga n'abaserikale be bamuwe·deko. ·Sabasa·ja teya·da mabega, naye yayogera kimu nti Obusa·ja obutono bulwânira mu ·sanja. Wûyo yesitu·de alumbye ekibuga, yatogoza butogoza. Teyabasimbya n'abawangula, ekibuga n'akiyingira.

Naye omanyi Abaroma bwe bâli abantu ab'e·kulu, nga tebanyigikako, bwe bâlaba Annibale ng'abayingiri·de tebâtekemuka, tebesisiwala.

Okumanya nga nabo bâli bakalu, omuwanguzi oyo bâmunyamûla ne bamukimbûla, lêro ne batamulabamu ka buntu. Oluva·nyuma ne bamwâtulira nti Tâta, olowôza nti Owangu·de! Ne·da, to·naba, ate terebuka. Annibale yalaba Abaroma bamunyômo·de batyo, ensonyi ne zimu·ta, n'asimbula amakanda ne ye·dirayo ewâbwe.

E·banga lyâyita ·tono, Abaroma okwesasuza ·nabo ne ba·ja bazinda Kartago. E·nyago ne zikekera, emirambo ne gigwa, ab'ebiwûndu butabala. Olwo muganda w'Annibale teyaluvamu. Bwe bâmala okumu·ta, omutwe gwe bâgusonjolako ne bagukasukira Annibale agulabeko.

Ono bwe yagulabako n'afa ennaku, amânyi ne gamuterebuka, kwe ku·duka n'alaga mu Asia mu ngoma ye Siria.

## CICERO NE CATILINA

E·da mu ngoma ye Roma mwâlimu abasa·ja babiri, omu nga ye Cicero, ow'okubiri ye Catilina.

Abasa·ja abo nga bagezi ·nyo, ba kitîbwa ·dala, ate nga bamanyi·dwa ·nyo mu nsi. Olwâli olwo, e Roma n'esitukayo empaka, abakungu nga bagâla okulonda abâmi aba·gya mu lukîko,

Catilina bwe byâmugwa mu kutu, ne yetêbeza okulya obulamuzi: kwe kuyisa olujejêmo mu bakopi ng'abegayirira bamulonde. Ab'olukîko bwe bâwulira abakopi nga bakâyanira Catilina, ne bataganya, kuba tebâmusîma; oluva·nyuma kwe kulonda Cicero.



Catilina yalaba bigenze bityo, n'atateterebuka; teyali mubi ne yekuba ku b'omu lukîko, n'abegayirira bamulonde. Yageza okusaba obwâmi emirundi esatu nga bwerêre, bo·na nga bakomba ku erima.

Omusa·ja oyo n'atateterêra, yalaba eby'ekisa bimulemye, ne yesala akajegere, wûyo awulugumye, ayiseyise mu mikwâno gye, yetabye nagyo alwâne, obwâmi abulye olw'empaka.

Ba·ne nabo ne ba·kiriza ekigambo kye, ne bekoba okwôkya ekibuga Roma.

Mu bu·de obwo, endasirasi ebigambo zibirête·de Cicero nti Ekibuga Catilina wûyo a·ja okukitêkera omuliro. Cicero tiyasimba nga yekuba mu lukîko ng'abategêza akabenje bwe ka·ze. Bo·na ba·sa kimu nga basala magezi ga kutâsa kibuga, omulabe bâmugobera wala.

Catilina yalaba ago galemye, n'atêsa ma·gya ga ku·ta Cicero. Ka·zi ne Cicero ye musa·ja omulabufu, teyalwa n'akenga. Amangu ago tiyasimba n'akungânya olukîko ababûlire omuzigu we by'amutêsâko. Eby'embi, ne Catilina mwe ya·jira. Olukîko kyâzira kumukubako kimunye nga lumukuba olwôgo: nti Wûyo nyâbula!

Bo·na abâliwo nga bamuwa ekyânya, abalala nga bamufukira bigambo bya busungu, nga bamunyômola.

Catilina ekitîbwa ne kimu·ta, ne yebwalabwâlako, nga talina w'atûla. Mu bu·de obwo, Cicero n'ayasamya akamwa ke, n'amufukira endulundu y'ebigambo. Yali musa·ja mugezi: n'ategêza bulungi olukîko enkwe za Catilina, n'avuma, n'anyomôla oyo n'azirwa. Catilina yalaba agu·de mu ndîra, n'anyanyamuka mu lukîko n'a·da eka ng'agenda awerera Roma: nti Alindaba akanfâmu.

Bwe yatûka ewâbwe n'akunganya ba·ne bagende bawangule Roma. Naye Cicero bwe yamanya, ne yechwachwâna, n'a·dira bano ba·ne ba Catilina abâli e Roma n'aba·ta bo·na. Abalala abâli banywêre·de ku Catilina bâlaba biri bityo, amânyi ne gaba·gwâmu ne baterebuka okulwâna, ne bayabulira mu·nâbwe. Abâsigalawo bâmanya gegumya ne balêta olusa·jasa·ja ne balwâna n'abe Roma. Naye bâbakubako bya kaboga, tebâlwa ne bali·nyibwa mu nga·to, e·gye lyâbwe Abaroma ne baliwe·menta n'omugabe ne bamu·ta, Cicero n'agoba.

Abe Roma bwe bâlaba Cicero olutalo aluli·nyeko nga bamukulisa ne bamuwâna ·nyo, kwe kumuyita "Omuza·de w'e·gwanga lyabôbwe."



# YULIO KAISARI

Yulio Kaisari yali Murôma, yazâlibwa mu mwâka 101 nga Mukama wa·fe ta·na·ja; yali mu·zukulu wa Mario. Yagunjulwa bulungi ·dala nga wa mpisa nnungi. Yali yâkasumukako, amangu ago n'alabika ng'aliba muntu muzira, alifuga na bulungi ensi.

Bwe yakula, n'ayagala ·nyo okulya obwâmi bwe Roma: naye Silla yalaba omulenzi oyo yesomye, n'amugoba mu Roma. Era yafûyira mbuzi mulere. Kuba oli yalina ba·ne bangi abamwâgala, bâmusalira amagezi ne bamukomyâwo.

Kavubuka bwe yamutûka, Kaisari n'asôka okwesusunkula n'okwepanka nga kw'ata·de, ne yewulira ·nyo. Yalowôzanga kimu kyo·ka: kulya bukulu bwe Roma. Era bwe gwâli. Naye okubulya yasala mazibu, yayita wala.

Yasôka kusaba lukîko lwe Roma lumu·kirize okutabâla ensi eziri engulu wa Roma.

Bwe yamala okufuna e·bêtu, ne yesitula n'ayambuka mu Gallia, n'agirya. Tiyalwa, wûyo mu Belgio, agobye. Talu·de alalise mu Bungereza: eyo n'embôge tiyabuguma. Teyasimbya kanywa afunyêmu atûse mu Budâki: e·nyago zikeke·de, n'akyûsa obûfu n'a·ja akuba embuga ye mu Gallia, n'aka·jala.

Yali akyatu·de ku bwâmi bwe, n'afuna ensonga ku bakopi, n'atamwa okubawolerezanga: kuba bâlêtanga obusasamavu e Roma. Oluva·nyuma ne yekubira ku bakungu.

Kaisari yali musa·ja muga·ga ·nyo, okusanyusa Abaroma, buli ·jo yabagabulanga n'abali·nimuliranga endulundu y'ebintu. Ab'olukîko kwe kumutyâmu ne bamuwûnawûnamu: nti si kulwa ng'anônya kulya bwa Balôzi. Mu nsangi ezo eyali Balozi we Roma nga ye Pompeo; ye ebya Kaisarì tebyamukengentereza mmême, ba·ne abâmulabulanga yaba·damu kimu nti Bw'aliba a·ze, ndikuba enkanda wansi ne nfuna abannwanirira.

Pompeo yali ali awo nga teriri busa, Kaisari zimulêse butesa·ga, abaserikale nga lukunkumuli si bazira kitalo. Pompeo olwâmuzinda, emmême n'emutengera, kya kwogera n'abula, n'ayandayandako oku·duka, buli gye yalaganga nga ga·gya. Kya ·dâki n'atêsa okuwunguka e·nyanja; yali yâkagoba ku lukalu, abaserikale ne bamutunga ku byôgi, n'afa bw'atyo.

Kaisari n'alya obwa Balozi obwe Roma. Okusanyusa Abaroma n'okubagonzagonza, ebintu byo·na abaserikale bye bâli banyaze, yabibawa, n'afumba embaga makeke n'abagabula.

Abantu bo·na bâyagala Kaisari ne bayitiriza, bâsîma enfuga ye ne basîma n'empisa



ze, ne bamweyagaliramu ·nyo, kwe kulaba nga bamutûma eri·nya e·dala nti Ye Lubâle. Bâmuzimbira amasabo, bâmukubira omwâliro ne bamutambirira ebyonzira. Bâmukolera mu lukîko entebe ya zawabu, ne bamuti·kira engule ya kitîbwa ·nyo.

Naye omanyi abangi bwe batasîmira ·dala; newakuba·de Kaisari yalamula bulungi, era tewâbulawo bamukyâwa. Abarôma abamu bâmulanga ·okwâgala okulya obwakabaka, ne bamukwâtirwa akadubudubu. Olwâli olwo n'agenda mu lukîko nga bw'amanyi·de, naye abakungu kyâzira kumulabako, nga bamwekobera okumu·ta n'ebitala.

Kaisari yageza oku·duka n'atasobola, awo kwe ku·dira omunagiro gwe ne yebi·ka ku mâso, n'agwa wansi. Bali ne bamufumitako ebiwundu abiri mu bisatu, n'afa!

MAKERERE COLLEGE LIBRARY

## OLUNAKU OLW'AMAZALIBWA

# GA ·SABASA·JA· KABAKA DAUDI CHWA

Ba·nange mwe·na, mbakulisa okutûka mu mwêzi guno August. Kubanga olunaku olw'omunâna olw'omwêzi guno lwa kitîbwa ·nyo mu nsi yabo·fe Buganda, lwe lwazâlirwâmu ·Sabasa·ja wa·fe mu mwâka 1896. Ate omwêzi ogwo nga gwâkamala 14, omwâka 1897, n'alondebwa oku·da ku Buganda bwa ·Sekabaka Mwanga; omwêzi ogwo era gwe yawêrwâmu abakuza bonsatule (Baregenti) okumwogereranga mu kifo kye okutûsa emyâka 17 okuyitawo. Awo ku mwêzi ogwo era ku lwo 8 August 1914, ·Sabasa·ja Kabaka George V owe Bungereza lwe yamu·kiririzâmu era alamule e·gwanga lye.

Bye bîbyo ebigambo ebikulu ebikutegêza obulungi bw'olunaku olwo obutusindika okulwâgala, n'okulusanyukira nga lututûsêko; kubanga anti buli ·gwanga liba n'omwêzi gwe lyerondera okukulisaganya omwâka. Naye ·no sigambye nti bakole e·têka eri·gya erikyûsa omwâka ku Noeli oba ku January, wabula Omuganda owe Mbâle asingenga ·nyo okusanyukira ku lunaku olwo.



Awo ·no e·sanyu eryo fe·na lye lyatubwâmiriza embuga yo·na okwetalirira ekidâla ekyakolebwa n'ekitîbwa ekikulu; n'abantu kwe kusanjâla ne mu lubîri yo·na yo·na, ne batukuza ebyambalo ng'enswa e·naka ku mwâlîro gwâzo.

Ku lunaku olwo 8 August 1914, ku ·sâwa 4 1/2, ·Sabasa·ja ·nandigobe omuntu ow'enziraga, bâmulêta ng'a·ja yeranga bw'agômera; fe·na bwe twamulaba, emitima gya·fe ne gikuba obukule. Ye bwe yatûka ku ·namulondo, emyôyo gya·fe ne gi·kiriza nga ye wûyo Kabaka wa·fe ·dala mutabani wa ·Sekabaka Mwanga: era nga ye wûyo omu·zukulu wa ·sekabaka Sûna II, nga ye wûyo owa sekabaka Kamânya, nga ye wûyo owa ·sekabaka ·Semakôkiro, nga ye wûyo owa ·sekabaka Kyaba·gu ye wûyo omu·zukulu w'omulangira ·Golôba Musanje, ye wûyo owa ·sekabaka Ndawula, ye wûyo owa ·sekabaka ·Sekamânya, owa sekabaka Mulondo, owa ·sekabaka ·Nakibinge, owa ·sekabaka Kayima; era nga ye mu·zukulu w'omulangira Wampamba, nga wa ·sekabaka Ki·gala, owa ·sekabaka ·Tembo; era nga ye w'omulangira Lumansi, nga ye wa ·sekabaka Kimera; nga ye w'omulangira Kalemêra, ye wa ·sekabaka Chwa I, eyamu·bulwâmu, era nga ye wûyo

·dala ow'oku muluka ogwasibukira ·dala ·nyini mu lulyo olwa ·sekabaka Lubo Kintu, nga ye mu·zukulu we owa 20.

Emizira gi·te Iiiiii, wamu n'oluyimba olw'Abakôza: "Mbogo mbogo, kyewa·gula yazâla enkambwe..."

Era nga bwe tumaze okumutegêra bw'atyo, nga bw'ali ow'omu lulyo olwo ·dala, tunyîkirenga ·nyo buli ·jo okumusabiranga eri ·Namugereka eyamugerekera ekifo ky'alimu ekiyitibwa Busiro, atûse bulungi emirimo gyâkyo ng'asîmibwa Government ye Bungereza, ate n'Abaganda bo·na, anti emirembe ngalo, n'ogwa·fe guno gusinge egya ba·sekabaka ab'e·da era n'okuwangâla.

## OW'EBIWUNDU

Mu lutabâlo siwali kitîsa nga kusigala mu ·dwâniro ng'oli ku biwundu, nga tolina geyamba, ng'oli awo otemya bukofu olinda ekisêra mw'onotondokera, emirundi emingi, bo·na nga baku·gyako omulaka, n'omala olwo ennaku nga ·biri ng'olâliri·de okufa: Anti nga newakuba·de ebiwundu tibiba·de bya kuku·ta, era ng'obutiti, n'empewo n'enjala si bya kukuwonya.



Mu lutabâlo luno olwa ·juzi, wâliwo abaserikale babiri, bombi nga ba·namba emu, naye bwe bâmala okwe·kanya akabi ako akali mu lutalo, ne bakuba ekiragâno nga n'okulayira kwe bata·de nti "Omu w'agwanga omulala tagezanga kumwâbulira." Olwakyôgera lwe lwâmala, bombi nga bagamba nti Bwe guliba. Okuva olwo, ab'omukwâno abo ne bawulira obuzira bungi okukira e·da. Wâyita emyêzi mingiko nga ku bombi tiwa·naba agwîrwa akabi. Naye olwâli olwo akabenje ne kagwa: Omu kubo ekisasi kyamukuba ne kimukutulako amagulu gombi, n'agwa awo ng'ayâya. Mu·ne kuba yali walako, bwe butamanya mangu bifu·deyo, ate naye era kwe kufunya ku nkokola ng'alaba ba·ne bewenya. Naye yali akya·duka n'awulira abalekâna nti "Yoanna Petro e·sasi limukubye."

Obu·de bw'abaserikale obw'okuwu·mula era n'okusegulira abalala abana·da mu bigere byâbwe, bwâli butûse; mu bu·de obwo anti ng'omuntu amaze okukaya, yetâga kimu kwewêrera. Awo mu kisêra ekyo ne bategêreza ·dala Yoanna Petro bw'akubi·dwa ebisasi; mu·ne abâyogeranga bwe batyo, bâlînga abâmugambanga nti "Gendayo omunyônye, omwebaga·je omulête." Naye mu bu·de obwo emizinga nga buli wantu gyesôza bulala; awo kwe kwezibîkiriza amatu, n'atêsa

oku·da emabega wamu ne ba·ne. Ekyâmuzimukiriza ng'alaba a·ja okumubûlira nti "Munno Yoanna Petro amagulu gombi takyâlina", olwo emmême n'emutyêmuka, n'awulira ekimugamba nti Anti ·gwe wamulazânya okumujuna ng'agu·de mu kabi, kale gendayo." E·dobôzi eryo yakandânga kulizibîkiriza ng'agamba nti "Ate eri gye bamukubi·de si·ja kulabayo", nga bwerêre; nga lyongera n'okumugamba nti "Ali awo akulindirira, kale nga bw'anafa!"

Mu ·banga eryo abaserikale beyambula ebyâbwe ne bagenda mpola mpola nga basirise, buli muntu nga yenyônyeza w'anawu·mula, ka·zi nga ne mukwâno gwa Yoanna Petro naye mw'agende·de. Bwe wâyita akabanga ng'awulira ne mu mwôyo timukyâli kumuluma, n'asûlirayo ·dala gwa ·na·gamba, ng'alowôza nga biwe·de takyâliko ky'alagirwa kukola. Yali yâkasôka okuwu·mula n'awulira ng'omwôyo gumuluma okukira oluberyêberye: e·dobôzi nga limugamba nti "Nga nâwe oli ka·gwensonyi! ng'oli wa nkwe bulala!!" Olwawulira ebyo lwe lwamala, n'asituka masa·ja, ensawo ye n'emu·ka enkwâwa, n'a·dayo mu ·dwâniro okunyônya munywânyi we, amasasi agâli gawandagala ng'omuzira, n'atagafâko. Tiyalwa kutûka mu·ne we yali agu·de; amangu ago amu·di-



·de amukubye ku ·bega: ate obw'omu yandigize atya?

Bwe yamutûsa mu kiwu·mulo, omwôyo ne gulyôka gumuterêra; enkêra yabûlira ba·ne nti "·Naba·de si·namulêta nga sisobola kunywa na kulya kantu, n'otulo natwo nga situ·ja."

## FRANSISKO OWE ASSIZI AYIGIRIZA ENNNONYI

Fransisko Omut. yazâlibwa e Assizi mu ·saza Umbria ery'omu Italy, mu mwâka 1182. Yakuba ekibîna ky'abamonaki. Yafa mu mwâka 1226.

Olwatûka, Fransisko oyo ne ba·ne babiri ne bava e Savorviano ekibuga eky'omu Italy. Naye bâli bakyalamaga, Fransisko bwe yatunula ema·bali g'olugudo, n'alaba ennyonyi enkumu ezâli zikungani·de ku miti. N'azitunulira akabanga nga bwe yewûnya, n'alyôka agamba ba·ne nti "Mugira munnindako wano katono, mmale okuyigiriza abâna ba·tu bali bawannyonyi: Olwazitûkako, n'ayigiriza bw'ati: Bâna ba·tu ·mwe bawannyonyi, mulagi·dwa okwebaza Katonda

Omutonzi wa·mwe, ate buli kakya ne buli wantu mulagi·dwa okumutendereza, kubanga yabawa amânyi ag'okubûka ne mulaga mu buli kifo gye mwâgala, n'abawa engoye ezibawonya empewo, anti bye byôya ebingi bye mulina, n'abakûmira mu kyombo kya Noe, waleme kubâwo ennyonyi ku ·mwe ezikirira. ·So era tiyakoma awo, mulagi·dwa ·no ate okumwebaza, anti yabawa omu·ka ogw'omu ·banga mwe mwetawulira ·nyini. Gwe wa·ma yabaginya bulala, anti timusiga, timukungula, naye ye y'abalîsa, n'abawa emi·ga n'ensulo mwe munywa, n'abawa ensozi n'emisêtwe okusulangamu, n'emiti emiwanvu mwe muzimba ebisu bya·mwe; ·gwe wa·ma yabawa bingi, anti ·mwe abatasobola kwerukira na kwetungira kyambalo, Katonda abambaza n'abâna ba·mwe. Awo ·no mumanye ng'Omutonzi wa·mwe abâgala bulala, anti na·mwe mulaba ebirungi by'abawa nkumu, olw'ekyo ·no ·mwe mwe·na, bâna ba·tu bawannyonyi, ate buli ·jo timwosânga kutendereza Katonda."

Fransisko Omut. bwe yayogera ebyo, ennyonyi ·zo·na zâli zifânana okusanyuka e·nyo okuwulira byo·na omuntu wa Katonda by'azigamba; ne zisôka okwâsama n'okunûla ensingo, ne zanjala ebiwâwâtiro, ne zikotamya emitwe ng'ezimu·sâmu ekitîbwa. Ne



Fransisko nga naye asanyuka ·nyo okulaba ennyonyi enkumu bwe zityo ate ennungi obulala.

Bwe yamala okuyigiriza, n'aziwa omukisa, nti Kale mubûke. Awo ennyonyi zo·na, entono n'e·nene, mu kisêra kimu ne zitûmbîra mu ·banga, ate zeyawulamu ebibîna bina, ekimu ne kiraga ebuvanjuba, ekirala ebugwanjuba, eky'okusatu emaserengeta, eky'okuna emambûka.

Awo Fransisko Omut. n'a·gya okwo okwesiga obulabirizi bwa Katonda mu byo·na.

## ENSI YA·FE ENO NGA BWE YAZULWA BURTON, SPEKE, BAKER, STANLEY.

Ka mbategêze ensi ya·fe eno ey'Afrika nga bwe yalwâwo e·nyo nga temanyi·dwa Bazungu, ·so ng'ensi endala zamanyibwa ·da n'empisa zâzo zo·na era n'ebifâyo eby'e·da n'ebirala.

Naye ku Afrika nga tiwali kye bamanyi; na ·dala mu maserengeta tiyamanyibwa kantu, wabula Misri ye yamanyibwa e·dako, kuba-

nga eri kumpi ne Bulâya, anti okuva e Misri osomoka e·nyanja emu ng'otûse e Bulâya, lêro kye yava emanyibwa amangu. Naye mu Afrika wakati, timwamanyibwa kantu, kubanga munda wâyo wakati bâli tibamanyîmu. Ekifânanyi eky'Afrika kye bâkubanga kyabanga kyerêre wakati, nga tiba·sâwo kantu, bibuga na ·nyanja na mi·ga. Ate n'ekyasingira ·dala okubalobera e·nyo okuzimanya, kuba e Misri gye bâfulumanga, e·kubo lyâli ·bi ·nyo, anti nga ·dungu ·jerêre, nga teri mmere, ate nga balaba ennaku ·nyingi, n'okulwâla nga balwâla ·nyo abamu ne bafa n'okufa.

Ate gye bandigambye nti Tuyite ku lubalama olw'ebuvanjuba, oba ku lw'ebugwanjuba ya·de ku lw'amaserengeta, nayo nga kitalo, teyitika, amâto tigayinza kugoba ku ·tale, kubanga e·nyanja tiyayingira mu lukalu. Teri myâlo, anti nga ku lubalama kuliko ensozi enzibu okuli·nya. Ate ekirala, emi·ga mwe bandigambye nti Ka mwe tuba tuyita, nga nagyo tigigasa. Egimu eminene nga biyiriro byerêre, nga n'ama·zi gawalabuka mangu ·nyo, amâto nga tigayinza kuyitâko. Ate egimu emitono, egitalîko biyiriro, nga gikalira. Ate ng'eyo gye bagenda bafîrayo ·nyo, era nga balwâla buli lunaku.

Buganda yavumbulibwa nga tegendere·dwa: Bwe bâli banyônya Kiyira ne ba·gukirira



ne Buganda. Okulabibwa kwa Buganda kwe kumu n'okwa Kiyira. Era n'ama·nya g'abo abâbiraba ge gano: Wâliwo Burton ne Speke, Abaganda gwe bâkazako Seppiki, era ne Stanley, gwe mwayitanga Stamuli.

E Bulâya mu kibuga ky'Abangereza eriyo ekibîna ekiyiga ensi nga bw'eri. Naye mu mwâka 1856 ne batêsa olugendo olw'okulaba Kiyira. Mu bu·de obwo, ·Sûna ye yali Kabaka we Buganda. Omukulu w'olugendo olwo gwe bâlonda ye Burton, Speke nga ye mumyûka. Burton ye yatambula ·nyo engulu w'Afrika n'agenda ne mu Buwalabu n'atûka mu kibuga Mecca, bo kye bayita ekibuga ekitukuvu nga yefananyiri·za ·dala ng'omuyislamu. Naye tiwâli n'omu mu bo amutegêra, bo·na bâli bamuyita muwalabu, kubanga tiyayiga luwalabu yakwêkwenyuka. Baba kumutegêra, bandimu·se, kubanga Abawalabu nga tibâgala Bazungu kuli·nya mu kibuga kyâbwe. Bwe yavayo n'agenda e Zanzibar. Naye mu mwâka ogwo 1857 n'ava e Zanzibar (e Lungu·ja) n'agenda e Bagamoyo okulaba e·nyanja. Naye eyo yalabirayo ennaku ·nyingi, ng'ayita mu nsi z'atamanyi, ng'ab'ensi ezo tibamwâgala, n'alumwa n'e·nyonta n'enjala era n'endwa·de eziva mu nsolo z'ensi ezo. Awo oluva·nyuma n'atûka e Tanganyika.

Speke yali Tanganyika n'awulira e·nyanja eri mu mambuka. Burton ye nga mulwa·de,

n'atagenda, Speke ye n'agenda okugiraba. Naye mu mwâka ogwo 1858, n'alaba e·nyanja ya·fe eno eye ·Sese.

Awo n'akakasa nti E·nyanja eri e Tanganyika, Kiyira si mw'ava. N'alowôza ng'e·nyanja eye ·Sese ye esibukamu Kiyira: naye nga tamanyi·de ·dala, era ng'abûsabûsa. Naye ye n'atalowôza kuvumbula ·nyanja, yagenda bugenzi ·Jinja, Kiyira gy'ayirira. Awo n'a·dayo ate n'akomawo okulaba Kiyira w'avîra mu ·nyanja. N'atûka e Busukuma omulundi ogw'okubiri n'alaba e·nyanja, ate n'agenda e ·Jinja n'amalayo emyêzi ena ng'ali ne Kabaka Mutêsa.

Awo bwe bâvayo n'agenda ng'agoberera Kiyira gy'agenda, ennaku nga 4, awo n'alyôka aleka omu·ga, kubanga gugenda gwenyôlanyôla, n'ayita mu nsi, ate n'agusanga omulundi omulala ng'atûse e Gondogoro. Awo n'alyôka akakasiza ·dala nti Kiyira ava mu ·nyanja ye ·Sese. ·So nga tagobere·de mu·ga gye gugenda kugutûsiza ·dala ku Mu·ta nzige. Ate kubanga Mu·ta nzige tiyamutûka bwe butalaba nga Kiyira afuka ku Mu·ta nzige. Oyo ye Muzungu eyasôka oku·ja mu Buganda, mu mwâka 1862: n'a·dayo mu Bulâya ng'aku·te e·kubo erye Misri.

Speke bwe yatûka e Gondogoro n'asangayo Baker ne mukyâla we abâtumibwa okumunyônya era n'okumuwonya. Kuba abâli



e Bulâya bâli bagamba nti Yafa oba yabula. Speke n'abanyumiza ku bye yalaba. Baker naye bâli bamubûli·de e·nyanja Mu·ta nzige. Awo oli n'agenda, Baker ne mukyâla we ne baserengeta, omwâka gwâli gwa 1864, ne balaba e·nyanja, ne bagenda nga bagoberera Kiyira ne balaga ku ·nyanja eye ·Sese: bâtambula olugendo ng'oluva e Kampala okugenda Entebbe emirundi ebiri. Naye tibâtûka ·Jinja. Awo nabo ne ba·dayo, era nga baku·te e·kubo eryâbalêta. Awo ne bakakasa nga Kiyira ava mu ·nyanja ye ·Sese; afuka ate mu ·nyanja Mu·ta nzige.

Speke ne Burton be bâvumbula Kiyira, naye Abazungu ne bagâna nti Omu·ga tigukulukutira mu ·nyanja ·biri. Gordon ye yali omukulu, yali Khartoum.

Naye mu mwâka ogwo 1876 n'asitula okugoberera Kiyira, n'alaba Speke ne Baker kye bâlaba, n'alyôka akuba ekifânanyi kya Kiyira okuva e Khartoum okutûka e ·Jinja.

Ate Stanley (Stamuli) ya·ja mu Buganda mu mwâka 1875, omuntu oyo yatambula ·nyo mu Afrika.

Awo n'asituka n'ava e Zanzibar ng'ayagala okugenda okulaba omu·ga oguyitibwa Congo. Awo bwe yali ng'atambula n'abêrako mu Buganda, n'alaba Mutêsa ne banyumya ·nyo: Awo Kabaka n'amuwa ente n'embuzi 16,

n'amatôke mangi ·nyo, ne lumonde, n'amagi, n'amata n'omupunga, n'omuzigo. Awo Stanley n'asîma, n'amubûlira ne ku biragiro bya Katonda e·kumi era n'e·sâla **Kita·fe.** Awo n'alyôka atûka ku ·nyanja eri erûyi mu bugwanjuba.

Awo Stanley n'alaba ng'Abaganda bageziko okusinga abalala abamu, n'alaba nga bâgala okuyiga okusoma era n'okuwandîka. Awo n'awandîkira abamu abali e Bulâya mu Bungereza, n'abagamba nti Muwêreze abasomesa, kubanga Abaganda bayagala ·nyo okusoma.

Abo be bantu abânyîkira mu mulimo ogw'okulaba ensi ya·fe eye Buganda. Burton, Speke ne Baker, abo be bâmanyisa Kiyira. Naye Stanley ye yamanyisa Buganda nga bw'eri, ·so ng'e·da bâli tibagimanyi

MAKERERE COLLEGE
LIBRARY
NO. 54470
DATE 18·8·64
AF
496.3124-7
MUL



# ENDAGIRIRO

## MULOBOZA

Olulimi . . . . . . . . lupapula 3
Kisawo ky'ataliwo ki·jula mayinja . . 5
Omusâyi mu mubiri gw'omuntu . . . 12
Omusota nga gukubo·ze . . . . . . 16
Omusu·ja . . . . . . . . . . . . 18
Enkuba . . . . . . . . . . . . 22
Ebirombe by'amanda . . . . . . . . 24
Su·kari . . . . . . . . . . . . 24
Kyâyi . . . . . . . . . . . . 31
Katonda ky'aterekera omulamu tikivunda 34
Daudi ne Yonathas, ab'omukwâno omulungi . . . . . . . . . . . . . 38
Annibale muzira . . . . . . . . 42
Cicero ne Catirina . . . . . . . 44
Yulio Kaisari . . . . . . . . . 46
Olunaku olw'amazâlibwa ga ·sabasa·ja kabaka Daudi Chwa . . . . . . . . 50
Ow'ebiwundu . . . . . . . . . . 52
Fransisko owe Asizi ayigiriza ennyonyi . 55
Ensi ya·fe eno nga bwe yazulibwa . . 57